# Okuteekateeka ebitooke wamu n’okusimba endukusa za gonja okukendeeza kubitonde eby’onoona ebirime era n’okwongera amakungula

## Okuteekateeka endukusa

Ekisooka, okujanjaba endukusa nga weyambisa amazzi agatokose, obeera wetaaga enku, omuliro, entamu y’amazzi agookya, amazzi, ebitundu byemiguwa 2 egiriko obuwanvu bwa 60cm, omuti gwa buwanvu bwa 2.5cm -3cm, obuyinja obutono 30 oba ebijanjaalo era n’akalobo akatono. Kuma omuliro oteekeko entamu otekemu ebitundutundu biri bya kusatu eby’amazzi.
Mungeri y’emu, siba kubuli luda olw’omuguwa ogumu kubuli mukonda gwa kisero okufuna empulututuluzo n’omuguwa era oteeke omuti kubuli mpulututulizo y’amuguwa. teeka ekisero kyendukusa mu mazzi agatokota era pima obudde bwendukusa nga ziri mu mazzi.
Teeka obuyinja 30 mu mulengo, teeka entamu eya 50cm era amazzi kasita gatokota, teeka endukusa mu kisero era ozinyike mu mu mazzi agatokota okumala obutikitiki asatu. Jamu ekisero mu mazzi akatokose era otte obuwuka ku ndukusa okumala obudde obutuufu.
Mukweyongerayo, neera tema endduli mu bitundutundu byabuwanvu bwa 20cm, bwawulemu wakati era obiteeke ku ttaka nga bitunude wansi era oteeke endduli ezitemedwa mubanga lya 40cm okuva ku kitooke kubanga bino biyinza okusikiriza obuwuka. Teeka endduli ezitemedwa mu nnimiro ku saawa nga 12 ez’akawungeezi era olambule endduli buli lunnaku kumakya okumala ennaku 4, kungaanya ouwuka era obutte.
Ekisembayo, zaawo oluda olutemedwa nga lutunude wansi mu ttaka.